BITM NO. 3:

ENTEKATEEKA Y'EMIRIMU

LWAKI TUKOZESA AKATABO KANO?

Akatabo kano kanyonyola omugaso gwokuteekateeka omulimu era kanyonyola ebikulu ebibaamu eri oyo anakasoma. Mu mitendera egyenjawulo egibeera mu mirimu era kanyonyola obukulu bwokubeera nenteekateeka y'omulimu. Eno ekola nga endagiriro ekulungamya gwe nga omutandisi w'omulimu, kagube munene oba obutonotono.

ENTEKATEKA Y'OMULIMU KYEKI?

Wali otambuddeko nga tolina tooki munzikiza? Tomanyira ddala wa gyoba ogenda. Omanya? Enteekateeka y'omulimu kyekitangala mu kiro eky'enzikiza. Kino kiba kiwandiiko ekitera okuba ekyomwaka ekiraga bwonotambula. Bw'oba olunda enkoko, oyagala okulunda embizzi okwongereza lunkoko?

- Lwaki oyagala okulunda embizzi?
- Kyamugasoki ky'osubira?
    - Biki byofulumya n'ebyo byoyagala okwanjula mu butale?
    - Akatale kali katya? Baani bovuganya nabo era amanyi gaabwe genkana wa?
    - Baani botunulidde nga abaguzibo oba abanakuyamba okugula okusobola okutwaliriza ebirubirirwabyo?
    - Osobola otya okutuuka gyewetaaga
    - Okufuna ebikozesebwa nga ssente, abakozi nebirala byewetaaga
    - Ddi lw'osubira okutuukayo? Osobola okubituukiriza byonna mumwaka oba emyaka esatu?

OBUKULU BWENTEKATEEKA

Entekateeka y'omulimu ebeera nkulu kubanga;

1) Eyamba okunoonyereza ku birubirirwa ebisoboka byomulimugwo n'okukolerera okubituukako. Kikukumira mukumanya.
2) Twala obuvunanyizibwa obujjuvu oku kozesa obulungi ebiseera nensimbi ngoyita mu kutekateeka nobwegendereza ngofuba okusamu amanyi ate n'okutuukiriza mu budde.
3) Oyambibwa okulongoosa omulimugwo kubanga enkolayo ogilondolera ku kiwandiko kyetekateeka yomulimu.

4) Okusalawo ku bikozesebwa byewetaaga, oyambibwa okubikugaanya era no ddukanya emirimu nga osookera kukikulu.
5) Eyamba okwetegereze embera gyokoleramu omulimu era kiyamba okusoomoza b'ovuganya nabo.
6) Okuteeka mu birowoozo abo b'oguza (bakasitoma),ssaamu ekitibwa bye betaaga babifune nga bwebabyetaaga.

BIKI EBIBEERA MU NTEKATEEKA Y'OMULIMU

1. Erinya ly'omulimu nga Nassanga LTD. kino kyekiraga omulimugwo.
2. Ekifo wokolera kino kiyamba okulaba amangu wokolera nti era nokulaga omulimu gwo nti tegubusibwabusibwa.
3. Endagiriro/ (Akasanduko ka posta) kino kiyamba mu mpuliziganya. Mubamu akasanduko ka posta, essimu oba E-mail address.
4. Enyanjula. Wano onyonyola mubimpimpi ekika ky'omulimu (kampuni). Kyokola, byofulumya, omuwendo gwabakozi obukugu n'obuyigirize bwaabwe.
5. Ebyafaayo: Eno yenyinyonyola y'omulimu ddi lwewatandika. Entambula yomulimu gwo emabega abadde etya (enyingiza amagoba) nebirala.
6. Ebigendererwa: Kikyosubira okufuna?
7. Omulimu ebikolebwa! Biki byofulumya oba buwereza bwa kakati ?
8. Akatale: Akatale kangeri ki? Kakiseera nga (otunda ku sekukulu). Abaguzi bo bebaani? Bani abakuvuganya?
9. Kyolubira ekisembayo. Osubidde tugambe okuzimba edduuka eyiyo ku bubwo nendala ez'okupangisa olwokwongereza ku nyingizayo?
10. Ebiseera mwokolera emirimu. Kino kyekiseera mwotandikira okukola emirimugyo kyenyini. Biki byoteekateeka okukola era ddi?
11. Embalirira. Eno yentebereza yenyingiza nensasaanya gyosubira mukiseera ekigere.

ENGERI YOKUTEEKATEEKA OMULIMU

Eddala No. 1

Ki kyoyagala okukola?(omulimu)

Entekateeka y'ebirubiriwa. Ebigendererwa biteekwa okuba abitangaavu era nga binyonyole bulungi, bituukikako ate nga byamazima. Kyamugaso nyo okuwa ekiseera mwosubirira okutuukiriza/okutuuka kukyolibirira. Okugeza waligambye eddundiro lyenkola ya Namuli lijja kufulumya nokutunda ettule 60 ezamagi buli mwezi. Okuva mu January okutuuka mu December 2004. Kino kijja kuyamba okulambika okusobola okuyita mu kiseera mwotegekedde emirimu.

Eddala No. 2.

Engeri yokutuukirizamu by'olubirira okutegekera eby'omumaaso. Okusobola okugaziya amulimu gwo walibadde olondawo ebikulu ebyetaaga okusokerwako ebyamangu okusobola okutuukiriza. Osobola;

- Okutunda ekyo kyofulumya eri abantu abeyongeddeko
- Okuwereza mu bitundu ebiggya
- Okwongera ebyamaguzi ebipya byotobadde nabyo eri abaguzi bobadde nabo notereka ebikadde.
- Okuwereza ebyamaguzi ebipya eri abo bewakafuna/b'osubira .

Eddaala No. 3

Enteekateeka y'okufulumya ebyamaguzi.

Bwoba oyagala okwongera ku byofulumya ne by'otunda, otekateeka byoyagala okusaamu nga:

- Abakozi. Olina abakozi abalina obukugu? Oba tolina wetaaga abapangise.
- Byokozesa obigula wa? Wetaaga byenkana wa okwongereza ku biriwo? Emiwendo? Byeyongeddeko bitya omugatte gwensasaaanya mu miwendo.
- Ebyuma, wetagayo ebipya?oba kyekyo ,endabirira eri etya(ensaasaanyayo?
- Ekifo awakolerwa: Ekizimbe kinene kimala? Etterekero limala ate nawatundirwa wewali? Osobola okwolesezawo?
- Omutendera gwokufulumya. Omutendera gumu gulimu amaddaala ameka agenjawulo i.e. oneetaaga okugongera ko? Ani avunanyizibwa ku buli mutendera era ddi?

Eddala No. 4

ENTEKATEEKA YAKATALE KO? Kiki kyogenda okukola okusobozesa abantu akumanya byofulumya n'okubigula? Wetaaga okutwala ekiseera nga wetegereza akatale k'ebyo byofulumya.

- Biki byofulumya byowereza mu katale
- Ani akugulako natakugulako, naye nga yandyagadde?
- Baani abakuvuganya?
- Batunda bingi ki okugeregeranya ku ntundayo?
- Njawulo ki eriwo ku byofulumya? Lwaki abantu bagula ebibyo nebatagula ku balala.

- Entekateeka yobutale bwo eri etya? Ddi lwonokola ki? Okugeza osobola okukola ebipande ebiranga oba okulangira ku radio okumanyisa abalala by'ofulumya.

Eddala No. 5

ENTEGEKA Y'EBYENSIMBI – Oluvanyuma lw'okusalawo ku ddaala No. 1 – No. 4 waggulu wetaaga okubalirira olabe kyosasaanyiza enyingiza gy'osubira. Entekateeka ebamu bino:

- Wonojja ssente. Ogenda kuzaamu nsimbi zo zewatandisa? Ogenda kwewola okuva mu banka oba ebibiina ebiwozi? Ogenda kutonerwa? Bwoba otunuulidde kuwolebwa entekateeka y'okusasula eri etya?
- Ebitundibwa: Okusinzira ku byemabega wetaaga okumanya by'onotunda buli mwezi. Wetegereze ebiseera ebyenkyukakyuka nga ssekukulu oba amazuukira omulimu weguberera omulungi ate n'ebizibu nga okuwumula, nebirala.
- Okufulumya: Onoosasaanya otya mu kufulumya oba okuwerezakwo?
- Enyingiza endala. Laga ennyingizayo endala gy'osubira okuva awalala ebweru womulimu gwo nga entone n'endala.
- Ensasaanya: Wandika byonna byosasaanya era obigabanye mu kiseera ky'omwaka gumu, mwezi ku mwezi tekamu ensimbi zojjamu nga omusaalagwo.
- Amagobago mu bujjuvu: Enjawulo wakati we nyingiza n'esasaanya ge magoba oba okufiirwa.

Eddaala No. 6

Okugoberera,okulondola nokwekenenya by'okoze. Eddala lino lijja kikuyamba okulaba oba otuukiriza ebyo byewatekateeka okugoberera gwe mutendera gwokwekebera ku buli ddaala. (Nga kunkomerero y'omwezi) kyewategeka okifunye? Bwekitaba ekyo wekeneenye ensonga lwaki, oba kyetaagisa ddiriza ku ntekateekayo. Okugoberera /okulondola biberawo nga okola ate okwekenenya kubawo kunkomerero.Mukiseera kino oba osobola bulungi okumanya oba ottuuse gyolaga/ofunye.

Kino okukikola obulungi oteekwa okuba nga wakuma bulungi ebitabo byo ebyokutunda nebyosasaanyizamu, okusobola okulaga tugeze nga ebifulumizibwaako, ebitundibwa ate namagoba. Byeyongeddeko nga bwewatekateeka?